… n'ebisolo n'ebinyonyi byonna. Katonda yanakuwala okulaba nti yatonda abantu. Kyokka omuntu omu yasanyusa Katonda …

19

Omuntu oyo yali Noowa. Noowa, muzzukulu wa Seeti, yali muntu mulungi ataliiko ky'anenyezebwamu. Obulamu bwe yabumala wamu ne Katonda.

20

Era yayigiriza batabani be abasatu okuba abawulize eri Katonda. Awo Katonda n'ategeka okukozesa Noowa mu ngeri eyeewunyisa era eyenjawulo.

21

Entandikwa y'okunakuwala kw'omuntu

Ekinyumizibwa okuva mu kigambo kya Katonda, Bayibuli

Bisangibwa mu

Entandikwa 3-6

"Ekigambo kyo we kiyingira. Kireetawo ekitangaala." Zabbuli 119:130

Entandikwa y'okunakuwala kw'omuntu



Yawandiikiddwa Edward Hughes
Ebifaananyi bya Byron Unger; Lazarus

Yavvuunulwa Rev. Fr. Dr. Francis Xavier Mbaziira
Yakozesebwa M. Maillot; Tammy S.

Ekinyumizibwa 2 ku 60

M1914.org

Bible for Children, PO Box 3, Winnipeg MB R3C 2G1 Canada

Olukusa: Okkirizibwa okukoppa oba okufulumya bino, Ebinyumizibwa kasita bitaba bya kutunda.

Katonda amanyi nga twakola ebintu ebibi by'ayita EKIBI. Ekibonerezo ky'ekibi, kufa.

Katonda atwagala nnyo, kyeyava atuma Omwana we Yesu okufiira ku musaalaba akole ekibonerezo ekyandibadde ekyaffe. **Yesu yaddawo okuba omulamu**, n'addayo mu Ggulu. Kaakano Katonda ayinza okusonyiwa ebibi byafffe.

Bw'oba ng'oyagala okuva mu bibi byo, gamba Katonda nti: "Katonda Omwagalwa, nzikiriza nga Yesu yanfiirira era nga kaakano yaddawo okuba omulamu. Nkusaba ojje mu bulamu bwange onsonyiwe ebibi byange, nsobole okuba n'obulamu obuggya kaakano, olwo ndyoke mbeerenga naawe olubeerera. Nnyamba okuba omulamu ku lulwo nga omwana wo. Amiina. Yowanne 3:16

Somanga Bayibuli onyumyenga ne Katonda buli lunaku.

Oluganda Luganda

Katonda yatonda buli kintu. Omuntu Katonda gwe yasooka okutonda ye Adamu. Adamu oyo yabeera ne mukazi we Eva, mu nnimiro y'e Edeni.

1

Baaberanga basanyufu nnyo nga bali bulungi mu maaso ga Katonda. Naye lwali lumu …

2

Omusota ne gubuuza Eva nti: "Katonda yabagaana okulya ku buli muti?" Eva n'addamu nti: "Tuyinza okulya ku buli kibala okuggyako ekyo ekimu. Singa tulya ku kibala ekyo oba okukikwatako, tujja kufa."
3

Omusota ne gumugamba nti: "Nedda, temujja kufa." Eva ne yeegomba ekibala ky'omuti ogwo. N'awulira era n'akkiriza omusota kye gumugambye, n'alya ku kibala ekyo.
4

Eva bwe yamala okujeemera ekyo Katonda kye yabagamba, n'atwaliriza ne Adamu okulya ku kibala ekyo. Adamu yandibadde agamba nti: "Nedda sijja kujeemera Katonda kye yatugamba."
5


Adamu ne Eva bwe baamala okwonoona, bombi ne bamanya nga bali bwereere, ne baluka amakoola g'emiti ne beekolera ebyokwambala ne beekweka mu kisaka, Katonda aleme kubalaba.
6


Olwegguloggulo ng'obudde buwewedde Katonda n'ajja mu nnimiro. Yamanya Adamu ne Eva kye baali bakoze. Adamu omusango n'agusiba ku Eva. Eva ye n'agusiba ku musota. Katonda n'agamba nti: "Omusota gukolimiddwa. Omukazi anaafunanga obulumi ng'azaala abaana."
7


"Ggwe Adamu", nga bw'okoze ekibi, ensi ekolimiddwa okumerangako omuddo n'amaggwa. Onookolanga n'otuuyana okufuna emmere yo eya buli lunaku.
8


Katonda n'aggya Adamu ne Eva mu nnimiro y'e Edeni eyeewunyisa. Kubanga baayonoona, ne beggya ku Katonda agaba obulamu.
9


Katonda n'ateekawo ekitala ekimyansa, okubaziyiza okuyingira mu nnimiro. Katonda n'addira amaliba, n'abakoleramu ebyokwambala. Amaliba Katonda yagaggya wa?
10


Bwe waayita ekiseera Adamu ne Eva ne bazaala abaana. Mutabani waabwe omukulu, Kayini, yali mulimi, mutabani waabwe owookubiri, Abeeli, yali mulunzi. Lwali lumu Kayini n'aleeta ku bibala bye yalima n'abiwaayo eri Katonda. Abeeli naye n'aleeta ku ndiga ze ezisinga obulungi, n'aziwaayo eri Katonda. Katonda n'asiima ekitone kya Abeeli.
11

Katonda teyasiima kitone kya Kayini. Kayini n'asunguwala. Katonda n'agamba nti: "Bw'onookola ekituufu toosiimibwe?"
12

obusungu bwa Kayini ne butamuvaako. Nga wayiseewo ebbanga n'alumba muganda we, n'amutta nga bali mu nnimiro.
13

Katonda n'abuuza Kayini nti: "Muganda wo Abeeli ali ludda wa?" Kayini n'alimba nti: "Simanyi. Nze nkuuma muganda wange?" Katonda n'abonereza Kayini ng'amuggyako obusobozi okuba omulimi. Era n'amufuula mubungeese.
14

Kayini n'ava mu maaso ga Katonda. Yawasa muwala wa Adamu ne Eva. Ne bakola amaka. Bwe waayitawo ekiseera ab'ezzadde lya Kayini ne bajjuza ekibuga Kayini kye yatandikawo.
15


Mu bbanga eryo, n'amaka ga Adamu ne Eva ne geeyongera okwala. Mu biseera ebyo abantu baawangaalanga okusinga kati.
16

Eva bwe yazaala omwana omulala omulenzi, n'agamba nti: "Katonda ampadde Seeti adde mu kifo kya Abeeli." Seeti yali muntu assaamu Katonda ekitiibwa. Yawangaala emyaka 912 era yalina abaana bangi.
17

Mu nsi, abantu baagenda beeyongera okuba aboonoonyi, okuva ku zzadde erimu okudda ku ddala. Awo Katonda n'asalawo okuzikiriza olulyo lw'abantu, era …
18